


Ekitundu 1: Enteekateeka ya Katonda eri

Abaruumi 12 Okutwalira awamu

Enyanjula: Abazadde n'Abaana

- Buli muzadde alina ekirooto eri omwana we.
- Abaana baffe basobola okuba ensibuko y'**ESSANNYU** lyaffe erisinga obunene oba **OBULUMI** obwebuziba.
- Kitaffe ow'omu ggulu alina ekirooto eri buli omu ku baana be.
- Ekirooto kya Katonda kwe kukufuula **MUTABANI** we oba **MUWALA** we
Matayo 5:48, Abaruumi 8:29, Abaefeso 4:13
- Ekirooto kya Katonda eri buli mwana we kwe kufuuka omuyigirizwa –
OmuKristaayo owa **ABARUUMI 12!!**

Enkolagana Enkulu 5:  Eby'okuddamu mu Baibuli okuva mu Abaruumi 12

1. Enkolagana ne Katonda: **NGA WEWADDEYO** eri Katonda

"Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo."

Abaruumi 12:1

2. Enkolagana n'ensi: **WEYAWULE** ku Nsi

So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima.

Abaruumi 12:2

3. Enkolagana naawe kennyini:
okwekebera nga okozesa **OKUTEGEERA/OBWEGENDEREZA**

"Kubanga njogera olw'ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekyo ky'asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza. Kubanga nga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu, ebitundu ebyo byonna bikola emirimu gya njawulo. Noolwekyo nga bwe tuli omubiri ogumu mu Kristo, buli muntu kitundu ku mubiri ogumu ogwo. Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri, oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza; oba omulala

okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu."

Abaruumi 12:3-8

4. Enkolagana n'abakkiriza:

OKUWEREZA mu kwagala

"Mube n'okwagala okutaliimu bukuusa. Mukyawenga ekibi, munywererenga ku kirungi, nga mwagalana mu kwagala okw'abooluganda, nga muwanjuna ekitiibwa, mu kunyiikira so si mu kugayaala. Musanyukirenga mu mwoyo nga muweereza Mukama, nga musanyukira mu kusuubira, nga mugumiikiriza mu kubonaabona era nga munyiikira mu kusaba. Mufengayo ku byetaago by'abantu ba Katonda, era mwanirizenga abagenyi."

Abaruumi 12:9-13

5. Enkolagana n'abatali bakkiriza:

Okuwangula eri ekibi n'obulungi mu ngeri **EY'OBWA KATONDA**

"Musabirenga ababayigganya; mubasabirenga so temubakolimiranga. Musanyukirenga wamu n'abo abasanyuka, era mukaabirenga wamu n'abo abakaaba. Buli muntu abeerenga mu mirembe muntu ne munne, nga temwegulumiza naye nga muba bakkakkamu. Temwekulumbazanga. Temusasulanga kibi olw'ekibi, naye mukolenga birungi byereere eri bonna. 18Mukolenga kyonna ekisoboka okutabagana n'abantu bonna; 19abaagalwa, temuwalananga ggwanga, era ekiruyi mukirekere Katonda, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula," bw'ayogera Mukama. "Noolwekyo omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta muwenga ekyokunywa, bw'okola bw'otyo olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe." Towangulwanga kibi, naye wangulanga ekibi ng'okola obulungi."

Abaruumi 12:14-21

Okulabula – Abaruumi 12 si nkola ya mpisa “yakufuba nnyo mu maanyi gaffe” okutuukiriza, wabula okuddamu okw'okukkiriza eri Katonda bye yatukolera edda.

- Abaruumi 1 - 3: **EKIBI** - Ekizibu kyaffe ekitwawula ne Katonda.
- Abaruumi 4 - 5: **OBULOKOZI** – kye ky'okuddamu kya Katonda eri omulimu gwa Yesu Kristo gwe yakola ku musaalaba.
- Abaruumi 6 - 8: **OKUTUKUZIBWA** – Okubeera mu bulamu bwo obupya nga tuyita mu maanyi ga Katonda era nga tweyongera okukula mukigera mu kufaanana Kristo.
- Abaruumi 9 - 11: **OBUYINZA BWA KATONDA** – Okubeera mu bwesige kubanga Katonda y'afuga era atuukiriza ebisuubizo bye byonna

Ebibuuzo ebya sekinoomu:

1. Wandyagadde okufuna buli kimu Kitaawo ow'omu ggulu ky'akutegekedde ng'ofuuka Omukristaayo ow'Abaruumi 12?
2. Ggwe kennyini olina eddaala ly'otutte “ery'okwewaayo wenna” mu nkolagana yo ne Kristo?
3. Okwewaayo n'okwawukana ku mpisa z'ensi kikuteekateeka kitya okufuna eky'a Katonda ekisinga obulungi mu bulamu bwo? laba Zabbuli 84:11
4. “Ddaala ki eriddako” eriyinza okukuyamba okutuukiriza ekirooto kya Katonda eky'obulamu bwo?
5. Ani ayinza okukuyamba n'okukuwagira ng'otwaala eddala eryo eriddako ely'okugonda?